ABOOLUGANDA AB'ENDA EMU

Akatabo kano kawandiikibwa omwami Hugo Ssematimba Barlow. Kalimu ebitontome eby'enjawulo ebikwatagana ku nneeyisa y'abantu, embeera y'ensi, enkula n'endabika y'ebintu ebyenjawulo, ebikwata ku bazadde, eby'ebyobuwangwa n'ebirala.

EBITONTOME EBIRIMU

1. Maama ne Taata
2. Anoona okwagala
3. Nantaggwa Malambula
4. Obusagwa bw'omusota
5. Abooluganda ab'enda emu
6. Enkeera Budde
7. Lujuuju
8. Ettaka lino Erindya (1986)
9. Ettooke Kawoomera
10. Abavumbuzi Nnamige.
11. Mwanga n'Abajulizi.
12. Omuntu ku mwezi.
13. Kampala 1981
14. Ezaali embikke
15. Omulebeesi
16. Leeta ppeesa (1984)
17. Ebizibu Byajja nga Birogologo
18. Enjuba Tetwesudde.

EBIKWATA KU MUWANDIISI

Hugo Ssematimba Barlow yazaalibwa nga 4/11/1930 mu maka g'omwami n'omukyala John ne Maliza Barlow.

Yasomera King's College Buddo pulayimala ne ssekendule.

Yagenda e Bungereza gye yasomera eby'obulimi n'afuna Diploma y'eby'obulimi mu (HAAC) ne National Diploma mu Agriculture (UK). Yakolako nga munnamawulire mu mpapula Uganda Herald ne Matalisi mu 1950, mu Overseas Food Corporation mu Tanganyika (1950 – 1953); Mu Makerere University Kabanyolo Farm nga Farm Manager (1953 – 1980); Mu Industrial and Agricultural Chemicals nga Manager (1980 – 94); kati yawummula, alima bimuli era ye director mu Bamuhalu Florist e Wandegeya, memba w'ekibiina ky'olulimi oluganda.

EMIRAMWA EMIKULU MU KATABO

Emiramwa z'empagi ebitontome bya Barlow kwe bizimbiddwa era ng'emiramwa gino egy'enjawulo giyamba okutuusa obubaka eri omusomi.

- **Okukolaganira awamu**; Guno gwe gumu ku miramwa emikulu era nga gye yolekera bulungi mu bitontome ebiri mu katabo okugeza mu kitontome "abooluganda ab'enda Emu" Lubuto neBaine bakolaganira wamu.
- **Omukwano**; Omuwandiisi atuzimbidde omukwano mu bimu ku bitontome bye era ng'atulaga engeri gye gujjamu n'engeri gye gufaamu okugeza anoonya okwagala, maama ne Taata, Busagwa bw'omusota.
- **Ebyobuwangwa**; Omuwandiisi atuzimbidde ebyobuwangwa eby'enjawulo mu bitontome bye ekiyamba omusomi okutegeera ebyobuwangwa ebyo ate n'okufuna obubaka okugeza mu kitontome; Abooluganda Ab'enda emu mulimu okulanya, omwenge, okuzina n'ebirala.
- **Ettamiiro**; Hugo Ssematimba atwolese bulungi ebibi ebiri mu kunywa n'ogangayira okugeza mu kitontome lujuuju n'abooluganda abenda emu ebyabatuukako nga bamaze okwesiwa amagengere.
- **Okusiima**; kuno kweyolekedde mu kitontome "Maama ne Taata" ng'omwana asiima bakadde be okumukuza ne mu Nantaggwa malambula omwami asiima n'okuwaana mukyala we.
- **Ebyafaayo**; Omuwandiisi atongomye ku byafaayo ng'egimu ku miramwa gye ng'atulaga kw'ebyo ebyaliwo edda okugeza "omuntu ku mwezi", Mwanga n'abajulizi, abavumbuzi Namige.
- **Emirimu**; Omuwandiisi akozeseza emirimu egyenjawulo ng'emiramwa mwayisiriza obubaka bwe okutuuka eri omusomi we. Okugeza okulima nga mu kitontome Ettaka lino Erindya, okuyiisa omwenge n'emirala.
- **Enkuza y'abaana**; Eno yeyolekera mu kitontome Maama ne Taata ng'atwoleka engeri abazadde na ddala maama engeri gyalabirira n'okugunjula omwana.
- **Eddiini**; omuwandiisi yeyambisizza eddiini okutuusa obubaka obuli mu bimu ki bitontome bye okugeza atutontomera ku ngeri Mwanga gye yakijjanyamu abasomi n'atuuka n'okubatta mu kitontome Mwanga n'Abajulizi.
- **Obufumbo**;

OBUKODYO BW'OMUWANDIISI

Hugo Ssematimba mutontomi mulungi era nga kino kyeyolekera ku bukodyo bweyeeyambisa obwongera okulaga obukugu bwe ate n'okutuusa obubaka eri abasomi be ng'ayita mu bitontome era buno bwe bukodyo bwakozesa;

- Akatabo ke akawadde omutwe "abooluganda ab'enda emu" ogutuukira obulungi kw'ebyo by'atontomako era agunnyikiza ng'aguwandiikako ekitontome kiramba.

- Atusiigidde ekifaananyi ku ddiba ekyongera okusikiriza omusomi okusoma ebyo ebiri mu katabo era n'okufuna obubaka.
- Ebitontome bye abiwadde emitwe egyenjawulo egituukira kwebyo by'awandiikamu ate era egikwatagana n'omutwe gw'akatabo okugeza "Maama ne Taata", anoonya okwagala, obusagwa bw'omusota.
- Ebitontome bye abitaddemu sitanza era nga buli emu ereeta obubaka obw'enjawulo ekyongera okulaga obukugu bwe mu kutontoma.
- Atusiigidde ebifaananyi ku bitontome bye ekyongera okuwa omusomi okwefumiitiriza wamu n'okufuna obubaka obuli mu kitontome okugeza mu kitontome Lujuuju, Omuntu ku mwezi, Ettooke kawoomera.
- Awandiika ku bintu ebiri mu bulamu obwabulijjo okugeza, omukwano, obuwoomi bw'ettooke, enkuza y'abaana n'ebirala ekiyambao omusomi okutegeera n'okufuna obubaka. Kino nakyo kiraga obukugu bwe.
- Akozesa akakodyo ak'okugeraageranya okugeza ageraageranya okwagala ku busagwa bw'omusota mu kitontome "Obusagwa bw'omusota", ne mu kitontome "Anoonya okwagala" amugeraageranya ku mulimi.
- Yeeyambisa akakodyo k'okuwuntuwaza era eno y'engeri ey'okufuula ebintu ebitali bantu ne byogera ng'abantu okugeza mu kitontome Ettaka lino Erindya (Enkumbi yeyogera).
- Ateekamu obuyimba obwongera okunyumisa ebitontome bye okugeza mu abooluganda Ab'enda emu.
- Ateekamu entunnunzi ez'enjawulo ezinyumisa ebitontome.
- Akozesa obubonero nga akabuuza mu kitontome abooluganda ab'enda emu.
- Ateekamu okuwaanya.
- Akozesa ebika eby'ennimi ez'enjawulo mu bitontome bye ekiyamba okuggyayo amakulu okugeza olulimi oluwaana mu kitontome Nantaggwa Malambula.
- Yeeyambisa olukusa lw'abatontomi.

EBYOBUWANGWA EBIRI MU KATABO

Omuwandiisi alafubanye nnyo okutontoma ku byobuwangwa mu bitontome bye era nga bino by'ebyobuwangwa by'atontomako.

- Obufuzi obw'obwakabaka, kino akitulambikira bulungi mu kitontome Mwanga n'Abajulizi era nga Mukasa ye yali Katikkiro wa Mwanga era nga Kabaka ky'alagira tekiddwamu.
- Obusika kino kyeyolekera mu kitontome "Mwanga N'Abajulizi" nti Muteesa bweyafa Mwanga ye yalya eŋŋoma era n'akijjanya abasomi.

- Enkuza y'abaana, Eno, omuwandiisi agitontomyeko mu kitontome "Maama ne Taata" ng'atulaga maama ne Taata engeri gye bawembejjamu omwana, n'engeri gye bafaayo mu bulwadde wamu n'okugunjula omwana.
- Obufuzi bw'amassaza okugeza, Kaggo, Ssekiboobo , Mukwenda, mu kitontome Abavumbuzi Namige.
- Okunywa omwenge Ssematimba atontoma ku mwenge mu bitontome bye okugeza mu Abooluganda Ab'enda Emu, wamu ne Lujuuju mw'atulombojjera ebizibu ebiva mu kunywa n'ogangayira.
- Olulimi lwennyini lwakozesa nakyo kyabuwangwa okugeza olulimi olugerageranya mu kitontome "Obusagwa bw'omusota" Olulimi oluwaana nga mu kitontome "Nantaggwa malambula".
- Okulanya nakyo kya buwangwa ekyeyolekera mu bitontome bya Ssematimba okugeza Lubuto yalanya eri bato be wag ye basibuka mu kitontome Abooluganda Ab'enda emu.
- Okuwera ewa Ssabasajja kino kyeyolera mu kitontome Abavumbuzi Namige, Ssekiboobo yawera ew'Omutanda oluvannyuma lw'okumugamba yeebaze abazungu amakula ge baali baleese.
- Mulimu okulima kino tukirabira mu bitontome Ettooke kawoomera, "Ettaka lino erindya" wamu n'Anoonya okwagala ate nga guno gwe gumu ku mirimu gy'Abaganda.
- Obufumbo mu kitontome anoonya okwagala, obusagwa bw'omusota.
- Okuleetera Kabaka amakula ng'abantu bazze okumukyalira okugeza mu kitontome abavumbuzi Nnamige.
- Amazina, okuyimba wamu n'ebivuga ng'eŋŋoma okugeza mu kitontome abavumbuzi nnamige.

EBITI BY'EBITONTOME MU KATABO K'ABOOLUGANDA AB'ENDA EMU

Bwe tuba nga twetegeereza ebitontome bya Ssematimba tuyinza okubyawulamu ebiti eby'enjawulo mwe bigwa era nga bino by'ebiti ebyenjawulo;

Ebikwata ku byafaayo era mulimu;

- Mwanga n'Abajulizi.
- Omuntu ku mwezi.
- Abavumbuzi Nnamige.
- Kampala 1981.
- Ezaali Embikke 1983.

Eby'omukwano;

- Anoonya okwagala.
- Maama ne Taata Omukwano wakati w'omuzadde n'omwana.
- Nantaggwa malambula.
- Obusagwa bw'omusota omuwandiisi ageraageranya omukwano ku busagwa bw'omusota.

Ebikwata mu bazadde n'abaana;

- Maama ne Taata engeri gye bagunjulamu omwana.

Ebiraga embeera z'ensi n'endabika ;

- Enkesaabudde engeri ebudde gye bufaananamu nga bukya.
- Ezaali embikke.

Ebiraga eneeyisa y'abantu ;

- Abooluganda Abenda emu abantu abawamu bayinza okufuna ebibatabula ne basooka balemwa okukwatagana.
- Lujuuju.
- Mwanga N'abajulizi.
- Omulebeesi.
- Leeta peesa.

Ebikwata ku by'obuwangwa.

- Ettooke kawoomera.
- Ettaka lino Erindya.

Ebibwata ku byobufuzi

- Enjuba tetwesudde.

Ebyekintabuli ;

- Ebizibu byajja nga birogologo.

AKATABO NG'ENDABIRWAMU Y'OMUWANDIISI

Ebitontome ebiri mu katabo bituloopera bulungi omuwandiisi waabyo okugeza enneeyisa ye wamu n'embeera ze. Kubanga bulijjo abawandiisi bawandiika ku ebyo ebibetoolodde n'ebyo ebibakwatako. Noolwekyo akatabo katuloopera bino ku muwandiisi ;

- Musajja muganda olw'ebyo by'awandiikako ate n'engeri gyeyeyambisaamu olulimi kitulagira ddala nti muganda.

- Amanyi ebyafaayo n'obwakabaka okugeza atutontomera ku bavumbuzi abajja mu Buganda n'ebyo bye baakola wamu n'engeri omuntu gye yagenda mu ku mwezi mu bitontome ; omuntu ku mwezi, abavumbuzi Nnamige.
- Ayagala nnyo ebyobufuzi era abimanyi okugeza atutontomera ku ngeri Museveni gye yanunulamu abantu okuva mu mikono gy'abasibira mu bbwa mu kitontome , Enjuba tetwesudde .
- Muzadde kubanga atulaga engeri omuzadde gy'ayisaamu omwana n'okwagala kwamulaga wamu n'okumugunjula mu kitontome, Maama ne taata.
- Asiima abamukoledde ebirungi okugeza asiima Museveni olw'okununula abantu (Enjuba Tetwesudde) asiima maama ne taata olw'omukwano mu kitontome Maama ne Taata.
- Musajja mukozi okusinziira ku ngeri gya geraageranyamu anoonya okwagala mu mulimi n'alaga n'engeri omulimu gy'alafuubanamu, mu kitontome, anoonya okwagalwa.
- Amanyi okwekeneenya embeera z'ensi kubanga yetegereza obudde gyebukyamu era n'abutontomako mu kitontome, Enkeesa Budde.
- Alina omukwano, kino tukirabira ku ngeri gy'awandiika ku mukwano wamu n'ebigambo by'akozesa okugeza mu kitontome, Obusagwa bw'omusota, Nantaggwa Malambula, wamu ne mu kitontome Anoonya okwagala.
- Ayagala nnyo okukolaganira awamu n'abantu okugeza mu kitontome, aboolugandaab'enda emu, atutontomera engeri aboolugandabano gye bassa ekimu era ne bwebafuna okutabuka bakkaanya.
- Musomesa kubanga ebitontome bye byonna birimu eby'okuyiga eby'enjawulo oba bisomesa.
- Mwami alina eddiini okugeza atutomera bulungi ku Bajulizi mu kitontome, Mwanga n'Abajulizi, ate era ne mu bitontome bye ebimu afundikira yekwasa Katonda okugeza mu kitontome ; Ezaali embikke (1983).
- Munnakibuga okusinziira ku ngeri gy'atontoma ku Kampala nga bwe yali mu 1981, ne mu kitontome leeta peesa.
- Mwami mukulu mu myaka okusinziira ku by'awandiikako okugeza Abavumbuzi abajja mu Yuganda, Mwanga n'abajulizi n'ebirala bingi.
- Musajja mufumbo okusinziiira ku ngeri gy'atontoma mu kitontome ; Nantaggwa Malambula, ng'asiima wamu n'okuwaana omubeezi we.
- Yali alabye ku batamiivu wamu n'ebyo ebibatuukako okugeza omutamiivu essaati emuyulikako n'abulwa n'essente egiddabiriza mu kitontome lujuuju.

- Amanyi ennimi endala ng'oluswayiri okugeza alweyambisa mu bimu ku bitontome bye okugeza leeta ppeesa.
- Mutontomi nnakinku okusinziira ku bitontome by'awandiika awamu n'emitwe gy'abironderako egibituukirako obulungi.

EBYAFAAYO EBIRI MU KATABO

Ssematimba mu bitontome bye atutereddemu ebyafaayo eby'enjawulo ekiyamba omusomi okumanya ebyafaayo bino era nga bino, bye bimu ku byafaayo;

- Abajulizi oba abasomi abaajeemera Kabaka Mwanga mu kitontome « Mwanga n'Abajulizi »
- Atontoma ku muntu ng'agenze ku mwezi mu kitontome « Omuntu ku Mwezi »
- Kampala nga bwe yali mu 1981.
- Ezaali embikke kino ekitontome nakyo kitulaga embeera z'olutalo n'engeri ensi bweyali efaanana nga luwedde.
- Obwakababaka n'ensikirano mu kitontome Mwanga n'abajulizi tutunuulira engeri Mwanga gye yalyamu eŋŋoma nga Muteesa akisizza omukono.
- Okujja kwa baminsane wamu n'enjigiriza yaabwe mu kitontome « Mwanga n'Abajulizi ».
- Okujja kwa bavumbuzi mu Buganda n'engeri gye baayanirizibwamu « Abavumbuzi Nnamige ».
- Okuvumbulwa kw'ennyanja Nalubaale wamku n'okugituuma erinnya erya Victoria.
- Okuttibwa kw'omulabirizi James Hannington eyasooka okujja mu Yuganda ng'omuminsane.
- Okujja kwa Museveni mu buyinza mu kitontome « Enjuba tetwesudde ».

OBUBAKA/EBY'OKUYIGA EBIRI MU BITONTOME

Omuwandiisi Hugo Ssematimba yawandiika akatabo ke sirwakusanyusa kwokka wabula n'okutuusa obubaka oba okuyigiriza abantu era nga buno bwe bubaka obw'enjawulo.

- Okukolaganira awamu n'ab'eŋŋanda zaffe okugeza mu kitontome Abooluganda ab'enda Emu lubuto ne banne bali bassa kimu.
- Okussaamu bakulu baffe ekitiibwa okugeza bato ba Lubuto bamussaamu ekitiibwa era ne bawaliriza kyayogedde (Abooluganda ab'enda emu).
- Okusiima ababa batukoledde ebirungi okugeza omwana asiima abakadde be bye bamukolera mu kitontome "Maama ne Taata".
- Okwagala ate n'okumanya ensibuko zaffe okugeza Lubuto abuulira bato be gye baali basibuka.

- Okwewala okujoogereza abantu naddala nga tubasanze mu bitundu byabwe nga mu kitontome ‘omuntu ku mwezi’.
- Okwagala ennyo okukola ne twewala okubeera abalebeesi nga mu kitontome omulebeesi.
- Abazadde okuzaala abaana ab’ekigero be banaasobola okulabirira nga mu kitontome “Ebizibu byajja nga birogologo.
- Okuba abeesigwa n’okwenyumirizanga mw’ebyo bye twekoledde tulemenga kwegomba ebya banaffe n’okubasabiriza nga mu kitontome omulebeesi , ne leeta ppeesa.
- Okubeera n’ekisa n’okulaga abagenyi omukwano wadde nga bagwira nga mu kitontome “Abavumbuzi Nnamige”.
- Okulaga betwagala omukwano wamu n’okubawaanako okugeza mu kitontome Nantaggwa malambula omwami awaana ku mukyala we.
- Okwewala ennyombo eziyinza okuleeta enjawukana mu bantu oba abooluganda nga mu kitontome “Abooluganda abenda emu”.
- Okwekeneenya ababeezi betulonze nga tetunawasa oba okufumbirwa mu kitontome “Anoonya okwagala”.
- Okubeera abamalirivu mu ebyo bye tukola okugeza abasomi bamalirira n’okutuuka okuttibwa naye nga tebeeganye ddiini (Mwanga n’abajulizi).
- Abazadde okulaga abaana baabwe omukwano n’okubagunjula (Maama ne Taata).
- Okusanyukira ng’enkyukakyuka eba ereeteddwawo ne twerabira ebikadde (Enjuba tetwesudde).
- Okwewala entalo kubanga zireeta okusanaawo kw’ebintu n’abantu okugeza mu kitontome “Ezaali Embikke”.
- Okukuuma obutaka bwaffe ne tutabutunda olw’okwagala okunywa omwenge nga mu kitontome “Lujuuju”.
- Abakyala okuba n’empisa eri babbaabwe.

ABAGANYULWA MU BITONTOME BYA SSEMATIMBA

Omuwandiisi w’ekitabo kino yateekamu obubaka obw’enjawulo babuwandiikira basobole okufuuka ebitonde ebiggya/okukyusa mu neeyisa yaabwe, era bano be bagannyulwa mu bitontome bye;

- **Abazadde**; bano omuwandiisi ayagala bayige okukuza obulungi abaana baabwe n’okubaagala ennyo nga bwe kyeyolekera mu kitontome “Maama ne Taata” anti olwokwagala abaana basiimibwa.
- **Abaana**; bano bayiga okusiima awamu n’okwebaza bakadde baabwe kubanga beerekereza bingi okubakuza okugeza mu kitontome. Maama ne taata omwana yeebaza nnyina okumuyonsa.

- **Abaagalana**; bayiga mu bitontome bya Ssematimba okulaga abagalwa baabwe omukwano awamu n'okubawaanako nga mu kitontome Nantaggwa Malambula, omwami awaana mukyala we.
- **Abanoonya ababeezi**; omuwandiisi abakubiriza okwetegeka obulungi awamu n'okwetegereza abo be baba bafunye si kupapa okugeza mu kitontome "Anoonya okwagala" omuwandiisi agamba nti omukwano ogusugumbiza mu kusooka oluusi gusirika lumu nga ssaawa.
- **Abettanira okunywa omwenge**; bayiga okwegendereza awamu n'okuva ku mwenge kubanga gufumbekeddemu ebizibu bingi okugeza okutunda eby'obusika/ettaka ofune z'onywamu omwenge nga mu kitontome "Lujuuju".
- **Abagwira**; bano bayiga okwewala okunyooma abantu be basanze mu kitundu awamu n'okussaamu obulombolombo bwabwe ekitiibwa okugeza mu bitontome omuvumbuzi Nnamige awamu n'omuntu ku mwezi, omweyolekera abagwira okwepankira ku bannansangwa.
- **Abakulembeze**; omuwandiisi abayigiriza okwegendereza abantu abajja mu bitundu byabwe n'okufuba okumanya ebigendererwa byabwe okugeza mu kitontome; "Abavumbuzi Nnamige", Ssekiboobo yalina okufuba okumanya ekireese omuzungu.
- **Abakyala**; bano bayiga okuwaana abaami baabwe awamu n'okubanywererako nga beewala abasajja ababasigula nga bweguli mu kitontome "Obusagwa bw'omusota".
- **Bannabyabufuzi**; omuwandiisi abakubiriza okwewala okutandika entalo kubanga abantu bangi bafiiramu awamu n'okwonooneka kw'ebintu nga mu kitontome; "Ezaali Embikke".
- **Omuwandiisi awandiikira abalebeesi**; nga bano abakubiriza okwewala ettuula wamu wabula bafube okukola, bwe batyo beewale okulebeeta nga mu kitontome; "Omulebeesi".

OBULAMU OBWA BULIJJO OBULIJJO OBULI MU BITONTOME BYA SSEMATIMBA.

Ebyo Ssematimba by'awandiikako mu bitontome bye bifaanaganira ddala n'ebiri mu bulamu bwaffe mwe tuwangaalira era buno bwe bulamu obwa bulijjo obuli mu bitontome bye;

- Omuwandiisi atwoleka obukulu bw'omuzadde eri omwana n'engeri gy'alafuubanamu okukuza omwana ate nga kino kiri ne mu bulamu obwa bulijjo mu kitontome "Maama ne Taata".

- Ssematimba atulaga mu bitontome bye; nti abaagalana bafissa akadde ne bawaana ku bannabwe ekiri ne mu bulamu obwa bulijjo okugeza mu kitontome; Nantaggwa Malambula omwaami mwawaanira mukyala we.
- Ettamiiro eryeyolekedde mu bitontome bya Ssematimba, ne mu bulamu obwabulijjo abantu banywa ne bafuuka ekitagasa nga mu kitontome Lujuuju.
- Obukulu awamu n'obuwoomi bw'ettooke Ssematimba bw'atontomako ne mu bulamu obwa bulijjo abantu ettooke balyettanira era libawoomera nga mu kitontome "Ettooke Kawoomera".
- Enkaayana awamu n'okuyombagana mu bantu aboolugandа nga bwe guli mu kitontome "Aboolugandа Ab'enda Emu" nga buli omu anenya munne ne mu bulamu obwa bulijjo enkayaana mweziri.
- Entalo mu mawanga ezonoonye ebintu okubimalawo ezeeyolokedde mu kitabo kya Ssematimba ne mu bulamu mwe tuwangaalira mulimu entalo. (Ezaali Embikke).
- Eddiini eyogerwako mu bitontome bya Ssematimba, ne mu bulamu bwaffe mweri okugeza Abajulizi aboogerwako tubamanyi bulungi mu bulamu bwaffe obwabulijjo "Ekitontome Mwanga n'Abajulizi".
- Abakulembeze abakambwe era bannakyemalira abali mu bitontome bya Hugo ne mu bulamu bwaffe mwe bali okugeza Mwanga eyalagira okutta Abajulizi mu kitontome "Mwanga n'Abajulizi".
- Ebyafaayo omuwandiisi by'ateeka mu bitontome bye by'ebyo ebimanyiddwa ne mu bulamu bwaffe obwabulijjo okugeza okujja kw'abazungu awamu n'obuvumbuzi bwe baakola mu kitontome "abavumbuzi Nnamige".
- Obwavu omuwandiisi bw'atutontomerako mu bitontome bye ne mu bulamu bwaffe obwabulijjo mwe buli alaga ng'abantu tebakyasobola kwetuusaako bintu bya waka nga bwekyeyoleka mu kitontome "Ebizibu byajjanga birogologo."
- Omuwandiisi atwolese okunaabuuka kw'ensimbi mu bitontome bye ekintu ekiri ne mu bulamu obwa bulijjo okugeza enkoko essussa omutwalo gw'ensimbi (ekitontome Ebizibu byajjanga nga birogologo)
- Enguudo embi ezoogerwako mu bitontome bya Ssematimba, ziri ne mu bulamu obwa bulijjo anti zonna zijudde ebinnya nga bwe guli mu kitontome Kampala 1981.
- Obulebeesi obwogerwako mu bitontome bya Hugo ne mu bulamu obwabulijjo mwe buli kubanga abantu tebaagala kukola basabiriza busabiriza (ekitontome Omulebeesi 1983).
- Obukyafu mu Kampala omuwandiisi bw'atontomako ne mu bulamu obwa bulijjo mwe buli era enswera zifumbekedde mu Kampala 1981.

- Okujja kw'abagwira era ne beegazaanyiza mu nsi yaffe kyeyolekera mu bitontome bys Ssematimbe ate nga bwe guli n'ensangi zino abagwira bangi mu ggwanga. (Omuntu ku mwezi).

OLULIMI OMUWANDIISI LWE YEEYAMBISA MU BITONTOME BYE OKWOLEKA OBUKUGU BWE

Omuwandiisi w'ebitontome bino yeeyambisa olulimi olw'enjawulo okusobola okubinyumisa awamu n'okutuusa obubaka eri abasomi baabyo era kino akikoze bw'ati;

- Yeeyambisa olulimi olunnyonnyozi era wano agenda annyonnyola ebintu ebyenjawulo okugeza omuntu bwe yagenda ku mwezi ne bye yasangayo mu Kitontome "Omuntu ku mwezi".
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olugeraageranya luno luyamba omusomi okukuba ebifaananyi awamu n'okutegeera ky'asoma okugeza ageraageranya omuntu anoonya okwagala ku mulimi omulungi mu kitontome "Anoonya okwagala".
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olukubi lw'ebifaananyi luno luyamba omusomi okwefumiitiriza ku by'asoma okugeza bw'alaga omuntu ng'ali mu maaso ga Ssabamwezi mu kitontome "Omuntu ku mwezi".
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi oluwaana oluyamba okunyumisa ekitontome n'okuggyayo obubaka nga mu kitontome " Nantaggwa Malambula" nga muno omwami awaana mukyala we, nti yalungiwa ng'ekitooke kya ssiira".
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi oluvumi nga luno luyamba okutonda embeera mu kitontome nga bwerweyolekera mu kitontome "Abooluganda abenda emu" lwaki munjejeemberako (Bigere agamba banne).
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olwemulugunya okusobola okutuusa obubaka eri omusomi we okugeza bigere yeemulugunya olwa banne okumuvuma awamu n'okumuyisaamu amaaso ate ng'abakongojja buli kaseera mu kitontome "Aboluganda abenda emu".
- Yeeyambisa olulimi olubuulirira okugeza Lubuto abuulirira banne balekere awo okuyombagana mu kitontome "Aboluganda ab'enda emu" ne mu kitontome Lujuuju omuwandiisi akubiriza abanywa omwenge bagunywe nga beerekeramu.
- Omuwandiisi yeeyambisa olulimi olwabulijjo nga luno lwangu era lutegeerwa buli muntu ekiyamba omusomi okutegeera nga mu kitontome Ettooke Kawoomera.
- Omuwandiisi akozesa olulimi olw'ebisoko n'engero oluyamba okunyumisa ekitontome okugeza Nantaggwa Malambula.

- Olulimi olw'essanyu ng'olweyambisibwa abooluganda bwe baali banywa akalagi mu kitontome Abooluganda ab'Enda Emu luno luyamba okuggyayo obubaka

EBINTU OMUWANDIISI BY'AVUMIRIRA

Omuntu asomye ebitontome bya Hugo Ssematimba azuula ebikolwa ebiwerako omuwandiisi by'avumirira era by'ayagala beewale, era bye bino;

- Omuwandiisi avumirira ettamiiro kubanga omuntu abeera atamidde tabaamu nsa nga bwekiri mu kitontome Lujuuju. Omuwandiisi atulaga enneeyisa y'abatamiivu n'ebibatuukako ng'enswera okubagenda mu kamwa.
- Avumirira okutunda eby'obusika naddala nga twagala okufuna ssente ezokwejjalabya naddala mu mwenge nga mu kitontome Lujuuju.
- Omuwandiisi akyawa entalo kubanga ziviirako abantu okufa n'okwonooneka kw'ebintu nga bwe guli mu kitontome "Ezaali embikke".
- Omuwandiisi avumirira obulebeesi okusobola okubwewala nga mu kitontome "Omulebeesi 1983".
- Avumirira eryanyi awamu n'enkozesa embi ey'emmundu na ddala mu kusaba alalala ssente nga mu Kitontome "Leeta Peesa 1984".
- Omuwandiisi yakyawa okuyombagana awamu n'okuvumagana mubantu nga bw'akyoleka mu kitontome Abooluganda abenda emu. Ng'asaba abooluganda okukwatagana.
- Omuwandiisi akyawa okunaabuuka kw'ensimbi (ebizibu byajjanga birogologo)